# Ekitongole ky'amasannyalaze kifunye obuwumbi 190 okugatereeza

Bya JOSEPH MAKUMBI

EKITONGOLE kya UEDCL kitadde emikono ku ndagaano ne bbanka ya Absa okwewola obuwumbi 190 okumalawo ekizibu ky'amasannyalaze agavaavaako.

Omukolo guno gwakoleddwa eggulo ku Mmande e Nakasero ku kitebe kya UEDCL wakati w'akulira ekitongole kino, Paul Mwesigwa ne David Wandera akulira Absa ssaako ssentebe w'olukiiko olufuzi olwa UEDCL, Lydia Ochieng-Obbo.

Mwesigwa yagambye nti ssente ze beewoze kitundu kw'ezo ze beetaaga mu mwaka gw'ebyensimbi (2025/2026) nti bagenda kuzizimbamu ebifo ebigaba amasannyalaze e Nakasero, Kasangati, Mukono n'awalala.

Yannyonnyodde nti okwewola basoose kufuna lukusa mu minisitule y'ebyensimbi, ministule y'eby'amasannyalaze wamu n'ekitongole kya Electricity Regulatory Authority (ERA) n'agamba nti kibadde nga kizibu ebitongole bya Gavumenti okwewola mu kkampuni z'obwannannyini wadde nga balina olukusa.

Yagambye nti Absa yeekenneenyezza engeri gye bayingizaamu ssente ne bwe bazikozesa n'ezuula nga bw'ebawola ddoola obukadde 50, basobola okuzisasula mu bbanga lya myaka etaano ku magoba ga bitundu 8 ku buli ddoola. Okuva UEDCL lwe yatwala UMEME nga March 31, 2025, ebitundu bingi bibadde bitawaanyizibwa okuvaavaako kw'amasannyalaze nga n'ebisale biri waggulu kyokka Mwesigwa yagambye nti webajjira mu buweereza, baasanga ekitongole tekiri mu mbeera nungi wabula mu myaka etaano bigenda kufuuka lufumo.

Wandera yagambye nti nga bbanka, baagala okubeera ekitundu ku mpeereza egasa abantu era y'ensonga lwaki baasazeewo okuwola UEDCL ku magoba amatono. Ochieng yeebazizza minisitule y'ebyensimbi, ey'amasannyalaze ssaako ERA okukkiriza UEDCL okwewola.




Okuva ku kkono, Paul Mwesigwa akulira UEDCL, ssentebe w'olukiiko lwa UEDCL ,Ochieng-Obbo. Baabadde bawanyisiganya endagaano ne David Wandera akulira Absa bbanka ku kitebe kya UEDCL eggulo.